

OBUSIRAAMU

Obusiraamu: Ebyokusomako

Eby'okuwandiika —

EKIBIINA #1:

- I. Enyanjula y'essomo.
- II. Okutegeera Obusiraamu.

EKIBIINA #2:

- III. Okubuulira Abasiraamu Enjiri.
 - A. Enyanjula y'Okubuulira Abasiraamu Enjiri.
 - B. Engeri y'Okutuukirira n'Endowooza z'Okuzimba Entindo Okubuulira Abasiraamu.

EKIBIINA #3:

- III. Okubuulira Abasiraamu Enjiri.
 - C. Entindo z'Enjigiriza y'Ebya Katonda n'Eddiini.

EKIBIINA #4:

- III. Okubuulira Abasiraamu Enjiri.
 - C. Entindo z'Enjigiriza y'Ebya Katonda n'Eddiini. (okwongerako.)
 - D. Entindo endala ez'Enjawulo.
 - E. Ebyetaago Byowulirang'Entindo.

EKIBIINA #5:

- III. Okubuulira Abasiraamu Enjiri.
 - E. Ebyetaago Byowulirang'Entindo. (okwongerako.)
Ekigezo.

OBUSIRAAMU

Obusiraamu:Ekigezo

Eby'okuwandiika —

Obubonero 20 Bwoyinza Okufuna mu Bibuuzo Bino

- 1) Tutegeeze obusiraamu ng'ononyola empagi etaano ez'enzikiriza yaabwe ne byebakola (emp. 250,251).
- 2) Lodayo ensonga satu ezikwaata ku Yesu era olage engeri gyeziyinza okukozesebwa nga olutindo okuleeta abasiraamu eri Kristo (emp. 256-258).
- 3) Lodayo "ebyetaago by'owulira" bisatu ebya basiraamu era olage engeri gyebiyinza okukozesebwa nga olutindo okuleeta abasiraamu eri Kristo (emp. 261-263).

Obubonero 10 Bwoyinza Okufuna mu Bibuuzo Bino

- 1) Mu nsonga biri oba satu, tutegeeze entandikwa y'obusiraamu (olup. 250).
- 2) Nyonyola ekirowoozo "ky'okuzimba olutindo" mu kubuulira enjiri (emp. 252,253).
- 3) Waayo enkola enyangu ate nga nkulu eyinza okukozesebwa okubuulira abasiraamu enjiri (Emp. 253,254).
- 4) Okutendekebwa okwa bakasangwaawo kyeki? (olup. 260)
- 5) Olutindo olw'okufaayo/okulabirira kyeki? (emp. 260,261)
- 6) Kyakuddamu ki Omukristaayo kyalina eri omusiraamu "wawu" alina okutya olw'ebyo byatamanyi (olup. 262).

OBUSIRAAMU

I. Enyanjula y'Essomo.

Eby'okuwandiika —

Eky'okulabirako Ky'omuwandiisi:

Omuntu Omukristaayo yayagala okubuulira mukwano gwe enjiri. Mukwano gwe yali musiraamu. Olunaku lumu mukwano gwe yali yeteeka-teeka okusaala. Nanaaba engalo ze. Nanaaba emikono gye n'amaaso ge. Nanaaba n'ebitundu ebirala bingi eby'omubiri gwe. Olwo Omukristaayo nagamba, "werabidde okunaaba ekitundu ekisinga obukulu." Omusiraamu namubuuza nti, "kitundu ki?" Omukristaayo namuddamu nti "werabidde okunaaba omutima gwo." Omusiraamu namugamba nti "toba musiru. "Siyinza kunaaza mutima gwange." Omukristaayo namugamba nti, "Ekya kituufu. Y'ensonga lwaki wetaaga Yesu.

Sa Muno Eky'okulabirako Kyo:

Eky'okulabirako Ky'omuwandiisi:

Omuwendo gw'abasiraamu muni munene. Tuyinza tutya okubabuulira enjiri? Tulina okusooka okutegeera ki kye bali era na ki kyebakkiriza. Olwo tulyoke tubabuulire enjiri okusinziira ku kutegeera kwaffe kwe tubategeddemu.

II. Okutegeera Obusiraamu.

Omuwandiisi Kyakyogerako:

Obusiraamu kitegeeza "kujemulukukira Katonda", N'olwekyo, Omusiraamu ye muntu ajemulukukira Katonda.

OBUSIRAAMU

Eby'okuwandiika —

A. Embalirira z'Obusiramu n'Ennaku z'Omwezi.

1. Ebitundu nga 20 ku 100 munsu basiraamu.
 - a. 52 ku 100 ku basiraamu bonna bano babeera mu Asiya.
 - b. 28 ku 100 babeera mu Middle East ne mu Mambuka ga Afirika.
 - c. 13 ku 100 babeera mu kitundu ky'eddungu lya Sahara mu Afirika.
 - d. Nga 6 ku 100 babeera mu Bulaaya ne Russia.
2. Obusiraamu bwatandika mu 680 A.D (oluvanyuma lw'okuzalibwa kwa Kristo).
 - a. Kalenda ya basiraamu etandika mu 622 A.D. oluvanyuma lw'okuzalibwa kwa Kristo. (omwaka zero ogwa basiraamu).
 - b. Muhammad, omutandisi w'obusiraamu, yabeerawo okuva mu 570-632.
 - c. Muhammad yafuna okubikulirwa kwe okwasookera ddala mu 610 era natandika okubuulira mu bantu oluvanyuma lw'emyaka esatu.
 - d. Muhammad yava e Mecca nasenga e Madina mu 622.

B. Ebikulu Ebyokumanya ku Busiraamu.

1. Enzikiriza enkulu mu basiraamu erimu bino ebiddako.
 - a. Muhammad ye nnabbi omukulu asembayo, era asukulumye abalala bonna.
 - b. Ebitabo ebitukuvu eby'obusiraamu ne bannabbi baabwe mulimu:
 - 1) Tawuleti ey'ebiragiro - Ibulayimu.
 - 2) Zabbuli - Daudi.
 - 3) Enjiri - Yesu.
 - 4) Kuraani - Muhamadi.
 - c. Abasiraamu bakkiriza mu bamalayika (abalungi n'ababi).

OBUSIRAAMU

- d. Abasiraamu bakkiriza mu lunaku olw'okulamulwa. Kyebasinzirako okukkiriza okuyingira mu ggulu kisinziira ku bikolwa birungi. Omuntu bw'abang'akoze obulungi bungi okusinga obubi, olwo asobola okugenda mu ggulu. Bakkiriza mu lunaku olw'okuzuukira.
 - e. Abasiraamu bakkiriza enkomerero y'obwa Katonda. Buli Allah kyasalawo kiteekwa okutuukirira.
 - f. Allah kigambo kya Luwalabu ekitegeeza 'Katonda' Allah yefanana yekka, wamaanyi nnyo, era wakusaasira kungi eri abasiraamu bonna.
2. Ebintu ebikulu abasiraamu byebakola: Empagi etaano ez'enzikiriza y'obusiraamu.
- a. Akalombolombo k'okusaba: "Okwatula enzikiriza yaabwe - Nzikiriza nti tewali Katonda wabula Allah, era ne Muhamadi ye mubaka wa Allah."
 - b. Okugaba/Zaka.
 - c. Okusiiba omwezi gwa Lamanzaani - Okusiiba okuwanvu mu mwezi ogwo nga kwa saawa za misana zokka.
 - d. Okulamaga e Mecca - mpisa eri buli musiraamu okugezako okutuukiriza okulamaga kuno wakiri omulundi gumu mu kiseera ky'obulamu bwabwe.
 - e. Jihad (olutalo olutukuvu) - Bikolwa by'obumalirivu okulwana mu linnya ly'obusiraamu.
3. Abasiraamu bakkiriza nti emikisa gyabwe okuba nga bayingira mu ggulu, wadde nga tegikakasibwa, gyeyongera olw'okwegendereza obutasobywa nga bakuuma empagi zino etaano.
4. Ebika Eby'enjawulo n'ebibiina By'obusiraamu:
- a. Abashaiti - Banalukalala Abawarabu.
 - b. Abasuuni - Newankubadde ekika kino kiyinza okussa essira ku banalukalala batera okuba ab'eddembe era abatakakanyalira ku nkola ya bwanalukalala. Ekika kino obasanga bangi mu bifo bingi emitala wa Midulo East.
 - c. Abasuffi - Bebakkiririza mu bintuntu; essira blissa ku kwolesebwa, byamagero n'ebintu byebayitamu nga bbo.

Eby'okuwandiika —

OBUSIRAAMU

Eby'okuwandiika —

III. Okubuulira Abasiraamu Enjiri.

A. Enyanjula y'Okubuulira Abasiraamu Enjiri.

1. Yesu yabuulira Nicodemu eyali Omuyudaaya enjiri mu ngeri ey'enjawulo (Yok 3:1-21).
2. Yesu era yabuulira omukazi Omusamaliya eyali ku luzzi enjiri mu ngeri ndala (Yok 4:7-26).
3. Enjeri y'okubuuliramu enjiri esinziira ku bifa ku abo abagiwuliriza wa gyebava oba ki kyebakkiriza. Omubuulizi alina okumanya Baibuli. Era alina okumanya ekibiina kye ekimugoberera.
 - a. Ebiri mu njiri tebikyuuka.
 - b. Enjeri oba enkola y'okubuulira enjiri yo ekyuuka.
4. Mu kitabo kya Bikolwa, enjiri yabuulirwa mu ngeri ez'enjawulo.
 - a. Enjiri ebuulirwa erina okugirayo ddala amazima agakwaata ku byetaago eby'enjawulo n'embera ez'abo abawuliriza.
 - b. Enkola eyakozesebwa okubuulira Omuyudaaya yali yanjawulo ate kw'eyo eyakozesebwa ku Munaggwanga.
 - c. Mu mulembe guno, tuyinza okugamba nti enkola ey'okubuulira omuntu atakiriza nti Katonda gyali egenda kuba yanjawulo ku nkola y'okubuulira Omusiraamu.
5. Twetaaga okulowooza ku nkola ez'enjawulo mu kubuulira enjiri eri abantu ab'enjawulo. Twetaaga okukola entindo mu njiri gyetubuulira.
 - a. Entindo bye bintu ebikozesebwa okugatta awamu ebintu ebiba byawukanyemu.
 - 1) Okuzimba olutindo mu kubuulira enjiri tekitondawo bumu bwa bulimba.
 - a) Tekigaana oba tekigyawo njawulo lwa nkolagana nnungi.
 - b) Tekileeta njiri ya kitundu olw'obutesittaza muntu mulala.

OBUSIRAAMU

2) Okuzimba olutindo mu kubuulira enjiri okozesa ekiriwo ekyesigamye ku ekyo abantu ababiri kye baba balina.

a) Kiwa omukisa buli ekisobola okuweebwa omukisa.

b) Kifuuka bintu byonna eri abantu bonna kibe nti mu buli ngeri yonna kisobola okulokola abamu (1 Kol 9:22).

b. Entindo tezisitula kwegatta kwa maddiini. Okuzimba olutindo mu kubuulira enjiri kusitula buvunanyizibwa bwa kubuulira njiri mu buwangwa obw'enjawulo (kukkiriza enjiri okuyingira mu buwangwa obulala).

Genderera: Ebisigaddeyo mu ssomo lino bijja kussa amaaso ku kuzimba lutindo mu kubuulira basiraamu njiri.

B. Enkwaata n'Endowooza z'Okuzimba Entindo z'Okutuukiriramu Abasiraamu.

1. C.R. Marsh mukugu mu kubuulira Abasiraamu enjiri. Agamba kino: Tandika n'amazima amatono gaalina mu ddiini ye era omukulembere okumanya Katonda mu bujjuvu bwe"¹

2. Enkola enyangu olw'okuzimba olutindo eri Abasiraamu.

a. Yiga era okozese ensonga ez'enzikiriza y'Abasiraamu eza maanyi okuba nga otandikawo embooji n'Omusiraamu.

b. Leeta obwakabaka bwa Katonda nga obuteeka mu bifo ebibulako. Eky'okulabirako:

1) Omusiraamu amanyi nti tanatuuka ku mutindo gwa Katonda. Buli kiseera adingana okusaba kw'okusonyiyibwa (nsonga ya maanyi).

2) Song'ate, mu ddiini ye temuli bukakafu bwa kusonyiyibwa. Asuubira busuubizi (ekifo ekyo kibulako).

3) Omukristaayo alina okumuwa okutangirira kw'ebibi (obwakabaka bwa Katonda).

3. Enzikiriza ya Basiraamu eri mu Katonda omu (bakkiriza mu Katonda omu). Obukristaayo nabwo bukkiriza mu Katonda omu. Tutwaale omukisa gw'enzikiriza eno fenna gyetulina. Abasiraamu tobayisa nga bakafiiri oba abatakkiriza nti eriyo Katonda. Omusiraamu alina okutya Katonda kwenyini. Luno luyinza okuba olutindo.

Eby'okuwandiika —

OBUSIRAAMU

Eby'okuwandiika —

4. Abasiramu tebakwatibwa nsonyi olw'ekyo kye bakkiriza. Baagala nyo bulijjo okugabana enzikkiriza yaabwe n'abalala. N'olwekyo waliwo emikisa mingi nyo egy'okubuulira Abasiraamu. Bajja kwegomba okuyaayaana okwo n'obutekweeka bw'Omukristaayo.
 - a. Beera muvumu mu kubuulira Abasiraamu enjiri.
 - b. Mu kiseera kyekimu, laga obwetowaze (obuvumu n'obwetowaze bulijjo birowoozebwa okuba nga bya njawulo -- okukontana okwo kwenyini kutuufu. -- Bwe biba ebya mazima bulijjo bibeera byonna.
 - c. Obubaka buteekwa okuba obuvumu (obutaliimu kwekiriranya (omubaka alina okuba omwetowaze (bulina okuleetebwa mu kwagala).
 - d. Omubaka naye wa mugaso nga obubaka. Nekiba nti, kya mugaso nyo okubeera nga obulamu bwo mu maaso g'Omusiraamu bunyweredde ku bubaka bwo eri Omusiraamu (kino kikulu nyo naddala mu buwangwa bwa Basiraamu).
5. Wewale okusalira Abasiraamu omusango. Wewale okwogera ku Muhamadi mu ngeri enyiiza. Beera n'endoowoza y'okusaasira. Ebintu birabire mu ngeri eno. Gwe wandiyagadde bakubuulire batya enjiri?
 - a. Yogera amazima era oleke amazima galumirize, gamatize oba galamule.
 - b. Yogera birungi byokka ku Yesu. Toyogera bubi ku Muhamadi.
 - 1) Okwogera obubi ku Muhamadi Omusiraamu kimunyiiza bunyiiza era nagalawo oluggi olw'okubuulira enjiri.
 - 2) Okwogera obulungi ku Yesu (nga omutegeeza ne Yok 14:6) era ayinza okugala oluggi naye wakiri kiwa omukisa Omwoyo Omutukuvu okukola.
 - c. C.R. Marsh agamba, Waayo omuzabbibu ogwa mazima mu ngeri nti ye ajja kwegomba okwekuganyiriza ebibala by'enjiri.”²
6. Beera wamazima. Beera mwesimbu. Gezaako okwogera ku bimukwatirako ddala byamanyi.
 - a. Munadiini Omusiraamu ajja kwagala nyo okwogera ku byasoma ku Katonda. Kijja kwetagisa okunyigiramu ku mutindo ogwa magezi.
 - b. Kale no bulijjo amaaso gasse ku bwetaavu bw'omulokozi. Laga bwetaavu bwa kusonyiyibwa. Enjiri ematiza okuyaayaana kw'omuntu okw'okusonyiyibwa.

OBUSIRAAMU

- 1) Dda eri ekyetaago. Waayo Yesu nga omulokozi.
 - 2) Si kikulu oba banadiini bafanana batya. Basigala betaaga omulokozi.
7. Okusinga ebirala byonna, laga okwagala.
- a. Lowooza ku bigambo by'Omusiraamu omu eyalokoka: Omusajja wa Katonda yawulira okunyolwa olw'obutakkiriza bwange namalala natandika okukaaba. Amaziga ge gyendi gankolera ekyo okuwakana kwe kyekutakola.. Gaasaanuula omutima gwange.”
 - b. C.R. Marsh agamba, kumpi mu buli mboozi y'Omusiraamu eyalokoka, asooka kukwatibwako na kwagala kwa Mukristaayo.”³

C. Enjigiriza ya Katonda n'Entindo z'Eddiini.

1. Kubanga mu bulaaya waliyo omukutu gwokuba nti bakkiriza nti teli Katonda, tekitwaalibwa nga eky'obutonde okwogera ku bintu bya Katonda. Mu basiraamu ekyo kya njawulo. Obulamu bwonna bulimu okulumirizibwa oba okukwatibwako kwe diini. Omuwandiisi omu kikulwa ekikolebwa mu buli kiseera eky'obulamu mu bikolwa.”
 - a. Kino kiteekawo olutindo olw'omugaso enyo oluyitibwa "okwagala oba okufaayo”.
 - b. Eri Abasiraamu, kya butonde okwogera ku bintu bya Katonda. Tegeera kino era okikozese olw'okugasa.
 - 1) Wulira eddembe okwogera ku nsonga ezikwaata ku diini n'endowooza.
 - 2) Musome ebyawandikibwa wamu.
2. Obusiraamu diini ekwaata ku bulamu bwonna. Tebwesibira mu muzigiti mwokka (Omuzigiti kifo kya Musiramumu mwasinziza).
 - a. Luluno olutindo. Omusiraamu ayinza okutegeera obutonde bw'obwakabaka bwa Katonda nga Yesu bweyayigiriza. Tebajja kugamba nti, tetulina kuteeka Katonda mu buli kitundu kya bulamu. Waliwo ekiseera n'ekifo eky'ebintu bya Katonda" Eddiini yaabwe egamba nti Katonda alina okuba mu buli kitundu eky'obulamu.
 - b. Kale tulina olutindo olw'okukozesa bwetuba nga tubuulira obwakabaka bwa Katonda. Omusiraamu ajja kutegeera kyetugamba nti Obukristaayo bulina kuba bulamu bwonna.

Eby'okuwandiika —

OBUSIRAAMU

Eby'okuwandiika —

3. Eri Omusiraamu, Yesu linnya eryesittaza lyatayinza kukkiriza. Naye nno, omubuulizi owa magezi asobola okukozesa Yesu nga olutindo okutuukirira Abasiraamu.
 - a. Okuzaalibwa kwa Yesu.
 - 1) OkuzAalibwa emberera kyogerwako mu Kuraani (Ekitabo ky'Obusiraamu ekisinga okuba Ekitukuvu).
 - 2) Abdul Haqq, omuwalabu omuwandiisi ategeza "Nti kikakafu okuva mu Kuraani nti okujja kw'ekigambo kya Katonda mu mubiri kwabaawo mu ngeri y'ekyamagero ky'obutonzi so ssi mu ngeri y'okuzaala ey'obutonde."⁴
 - 3) Kuraani ekkiriza engeri ey'ekyewuunyo Yesu gyeyazaalibwamu. Kino kiyinza okukozesebwa nga olutindo okuba nga oleeta Abasiraamu okukkiriza Yesu nga omuntu ow'ekyewuunyo. Amazima gano musingi gyebali okulaba Yesu nga omulokozi.
 - b. Obuweereza bwa Yesu.
 - 1) Kuraani tegaana kuyigiriza kwa Yesu okwa maanyi ga Katonda. Ekakasa nti Yesu yagoba emizimu, yawonya abagenge, yazibula abazibe, yawonya bakigala nebawulira, era yazuukiza n'abantu mu bafu.
 - 2) Abasiraamu bamanyidde ddala ebyamagero bya Yesu. Balina okusoomoozebwa n'ebyafaayo nti amazima yawonya mu linnya lye era n'amaanyi.
 - 3) Kuraani etegerera ddala amaanyi n'obuyinza mu buweereza bwa Yesu. Kino kiyinza okukozesebwa nga olutindo eri Abasiraamu okumanya obuyinza n'amaanyi ddala Yesu galina kati. Kino kikwaatira ddala ne Yesu okuba Mukama.
 - c. Obulamu bwa Yesu obutaliiko kibi.
 - 1) Kuraani tegaana kutuukirira kwa Yesu. Ekakasa obulamu bwe obutaliiko kibi.
 - 2) Omulala ani mu byafaayo atalina kibi? Tewali n'omu. K'abe Muhamadi! Muhamadi yagamba nti yasaba okusonyiyibwa emirundi 70 buli lunaku.
 - 3) Kuraani etegeeza obusukulumu n'obutagerageranyizika n'obulamu bwa Yesu obutaliiko kibi. Kino kisobola okukozesebwa nga olutindo okuleta abasiraamu okuba nga bategeera obwa Katonda bwa Yesu.

OBUSIRAAMU

d. Okufa kwa Yesu.

- 1) Okufa kwa Yesu kulina okukozesebwa okusoomooza Abasiraamu.
- 2) Yesu yanyonyola ku kufa Kwe. Yamanya ddi, engeri, ne wa weyalina okufiira. Tewaliwo muntu mulala yenna amanyi bintu bino. Okukiddamu, ne Muhamadi naye yali tamanyi! Yafanga tekisuubirwa.
- 3) Kuraani etegeeza obulamu bwa Yesu obutaliiko kibi. Kuraani etegeera okufa Kwe. Yesu teyalina kufa. Kino kiyinza okukozesebwa nga olutindo okuleeta Abasiraamu okutegeera Yesu nga omwana gw'endiga ogwa Katonda, okutegeera okutangirirwa kw'ebibi.

e. Okudda kwa Yesu.

- 1) Kuraani eyigiriza okudda kwa Yesu okw'okubiri.
- 2) Okusinzira ku Kuraani, Yesu (so si Muhamadi) agenda kudde ku nsi okufuga emyaka 40. Abasiraamu balina okusoomoozebwa n'ekibuuzo, lwaki? Lwaki Yesu? Lwaki alina okudda?
- 3) Kuraani ekkiriza okudda kwa Yesu, kino kiyinza okukozesebwa nga olutindo okukulemba Abasiraamu okukkiriza Yesu nga omulamuzi.

f. Ebiragiro bya Yesu.

- 1) Abasiraamu bakkiriza enjiri nga ebitabo ebitukuvu. Balina okusoomoozebwa n'ebiragiro bya Yesu.
 - a) Yesu yagamba nti tewali agenda eri Kitange wabula ngayita mu nze" (Yok 14:6).
 - b) Yayogera nyo buli kiseera nga Katonda, ng'agamba, mujje gyendi" (Mat 11:28), era wetikke omusalaba gwo ongoberera" (Mat 16:24).
- 2) Abasiraamu bakkiriza enjiri. Yesu ayitibwa nabbi omukulu. Naye ate tebagondera biragiro bya Yesu.
 - a) Ate era, tebakkiriza mazima Yesu gagamba. Kino tekikikiriziganya. Eganira ddala okikinyonyola.
 - b) Yesu ku bibiri yali nnabbi omukulu oba yali omulimba omukulu. Tayinza kubeera byombi.

Eby'okuwandiika —

OBUSIRAAMU

Eby'okuwandiika —

c) Abasiraamu balina okusoomoozebwa n'amazima nti basalewo. Oba nga Yesu yali nnabbi omukulu, olwo ebigambo bye bikkirizibwe nga amazima.

3) Kuraani ekkiriza Yesu nga nnabbi omukulu. Kino kiyinza okukozesebwa nga olutindo okukulembera Abasiraamu okukkiriza ebiragiyo bya Yesu.

4) Kuraani ekkiriza okudda kwa Yesu.

a) Tulina okusoomooza Abasiraamu nga tubuuzza: Yesu bwalidda, mulimugamba ki mmwe gwemwayita nnabbi, song'ate ebigambo bye temwabikkiriza?"

b) Jukiza mikwano gyo Abasiraamu nti Yesu yagamba, "NZE kkubo, amazima n'obulamu" (Yok 14:6). Teyagamba nti, NDEETA ekkubo, amazima n'obulamu.

g. Amannya ga Yesu.

1) Kuraani eyogera ku Yesu nga "Ekigambo kya Katonda."

2) Kino kiyinza okuba olutindo okulowooza ennyo ku nfanana ya Yesu Kristo. Ekigambo kya Katonda kyeki? Yesu y'ani?

Eky'okulabirako Ky'omuwandiisi:

Twagala okukakasa nti tetugezaako kuteega mulabe waffe tumuwangule. Tugezaako kusoomooza mukwano gwaffe era tumuyigize. Ekiruubirirwa kyaffe si kuwangula mpaka. Ekiruubirirwa kyaffe kuwangula muntu! Tetuli ba looya nti tugezaako okuwangula omusango. Tuli babuulizi abagezaako okuwangula omwoyo!

Sa Muno Eky'okulabirako Kyo:

OBUSIRAAMU

Eby'okuwandiika —

4. Kuraani eyinza okukozesebwa nga olutindo okubuulira Abasiraamu enjiri. Kuraani eyogera ku Yesu mu ngeri yakitiibwa. Kuraani essa ekitiibwa mu Baibuli. Baibuli kati yo erina kukozesebwa oba olyawo nga olutindo olukulu okukola omulimu ogwa maanyi.
 - a. Lipoota nyingi zitulaga nti omuwendo omunene ogwa Basiraamu abalokose, bajja eri Mukama oluvanyuma lw'okusoma Baibuli.
 - b. Lipoota emu enyonyola ensonga y'omukungu mu Afghan amanyiddwa ennyo mu bukulembeze bw'Obukristaayo mu kitundu ekyo.
 - 1) Omukungu ono ajulira engeri Omukristaayo gye yamuwa Baibuli era namuzaamu amaanyi okugisoma. Yamuzaamu amaanyi nga asinziira ku kusaamu ekitiibwa ebyawandiikibwa kye yali amaze okunyweza (Jukira okuwa omukisa buli ekyetaagisa okuwa omukisa!).
 - 2) Luno lutindo lukulu eri Obusiraamu. Omusiraamu asamu ekitiibwa Ebitabo Ebitukuvu. Kino kiyinza okukozesebwa okumuleeta eri EKITABO EKITUKUVU.
 - 3) Omukristaayo alina okujjukira obutesittaza buwangwa bwa Busiraamu.
 - a) Omusiraamu eky'okulabirako tayinza kuteeka Kuraani wansi. Agikwaata oba agiteeka ku katuuti.
 - b) Tuyinza okufaayo eri obuwangwa obwo ne tukola kyekimu n'eri Baibuli zaffe. Kino kijja na kuteekawo okukwaatagana okwa maanyi... olutindo olunywevu.
5. Okusaba kuyinza okukozesebwa nga olutindo okutuuka eri Abasiraamu ku lwa Kristo.
 - a. Omusiraamu yewaayo okusaba. Song'ate, nkola ya kusaba nga akalombolombo. Okwewaayo kuva mu ngeri y'omulimu, okusalawo, n'ebbanja eri Katonda.
 - b. Okwewaayo kuno kuyinza okuba olutindo. Enkola y'okusaba kw'Omusiraamu teleetawo nkolagana ya ddala ne Katonda. Omusiraamu alina okuweebwa omukisa ogw'okutabagana ne Katonda mu kusaba okuyita mu Yesu Kristo.

OBUSIRAAMU

Eby'okuwandiika —

D. Entindo Ezigattibwako Okutuukirira Abasiraamu.

1. Okutendeka bakasangwawo (okutendeka bannansi okusobola okubuulira enjiri n'okuyigiriza abo abali mu buwangwa bwabwe).
 - a. Luno lwe lutindo olusonga okukolera ddala enyo obulungi. Munnansi omukkiriza afuuka olutindo. Omukkiriza nga munnansi aba amanyi obuwangwa.
 - b. Omuyizi yetaaga okusigala mu kitundu kye nga atendekebwa.
 - c. Okutendekebwa kulina kukolebwa mu lulimi Luwalabu (bweruba nga lwe lulimi olufuga oba olukozesebwa).
 - 1) Okwogera mu lulimi lwabwe kwe kulaga okufaayo, okufanana n'okusaamu ekitiibwa.
 - 2) Olulimi lwa mugaso nnyo mu kubuulira Abasiraamu enjiri. Abasiraamu basaamu nnyo Oluwalabu ekitiibwa. Ekirala, enjogera z'ekinadiini enkulu zirina okuyigibwa n'okukozesebwa obulungi.
2. Obumu mu maka nga olutindo.
 - a. Mu buwangwa bwa Basiraamu, amaka gaba ga maanyi era nga gamanyibwa nyo. Tuyinza n'okugamba nti ediini ekozesa nyo obuyinza bwayo ku muntu okuyita mu maka. Amaka n'ediini bizanganamu amaanyi mu Basiraamu.
 - b. Edda, abaminsani bangi tebafuna mukisa kubanga batunuliranga bantu. Okumanya amaanyi kirina okukozesebwa nga olutindo.
 - c. Mu buwangwa, omuntu omu yetaba mu bibinja ebinene okuyita mu kutabagana kwa maka ge. Nolwekyo, okubuulira enjiri mu maka gonna kulina okukolebwa. Emirundi mingi, Abasiraamu baze eri Mukama mu bumu bwa maka.
3. Olutindo lw'okwaniriza abagenyi.
 - a. Mu buwangwa bw'obusiramu, okwaniriza abagenyi kikulu nyo. Era kissibwamu nyo ekitiibwa.

OBUSIRAAMU

b. Olutindo olw'obutonde eri Obukristaayo luluno.

- 1) Endagaano empya enyweza nyo eky'okwaniriza abagenyi nga eky'omuwendo eri Omukristaayo (Bar 12:13; 1 Tim 3:2; Tit 1:8; 1 Pt 4:9).
- 2) Okukyaala n'okukyalirwa kiyinza okuleeta omukwano ogwa maanyi n'okubeera n'emikisa egiwera okugabana okukkiriza.

4. Obujulirwanga olutindo.

- a. Nga bwe twayize, "obujulirwa" kye kimu ku bikolwa ebikulu eby'okukkiriza kw'Omusiraamu. Omusiraamu ajja kukidingana, nti njulira nti tewali Katonda wabula Allah, era nti Muhamadi ye mubaka wa Allah."
- b. Mu kikulwa kino temuli kulagira muntu kukyuusa mpisa za bulamu bwabwe.
- c. N'olwekyo obujulirwa bw'Omulukristaayo bulina okukakasa okukyuusa empisa z'obulamu eziliwo mu Kristo. Obujulizi bwaffe buli nti twalokoka. Tuli bitonde biggya (Yok 3:3; 2 Kol 5:17).
- d. Olutindo bwe bujulizi bwaffe bwennyini. Okukyuuka mu bulamu bwaffe butegeza Omusiraamu ku busobozi bw'okukyuuka. Ajja kuvumbula mangu nti ekyo kyabulwako by'ebyo Kristo byagaba.

E. Ebyetaago Ebiwulirwa (munda mufte) nga Entindo (Naddala n'abantu Abasiraamu).

1. Ekyetaago ekiwulirwa - Enkolagana ne Katonda.
 - a. Obusiraamu bugamba, nti endowooza y'omuntu teliyinza nakamu kufuna Katonda; Bulijjo enemulowoozangako kitono nyo."
 - b. Song'ate, buli muntu alina ekyetaago ky'okumanya Katonda.

Eby'okuwandiika —

OBUSIRAAMU

Eby'okuwandiika —

Omuwandiisi Kyakyogerako:

Abasiraamu abamu (abo abakola eby'obusiraamu obw'olukale obulina ebyama ebingi) bamanyiddwa okugezaako okujja okubeera ne Katonda nga badingana "Ai Katonda" emirundi" 200,000 mu banga lya nnaku satu zokka.

Tulina okukozesa okuyaayaana kuno okw'okutabagana ne Katonda nga olutindo. Ekyetaago kyowulira lwe lutindo. Yesu alindiririra ku ludda olulala olw'olutindo okuba nga agabirira ekyetaago kino.

2. Ekyetaago ekiwulirwa - okutya ekitamanyibbwa.
 - a Abasiraamu bangi (naddala Abasiraamu wawu) balina okutya oyo atamanyibbwa. Omusiraamu ayinza okuba n'okutya okungi olw'ebyo mumaaso.
 - 1) Eky'okuddamu kyabwe eri okutya kuno kwe kusinza bamalaika, obulaguzi, n'okukkiririza mu mikisakisa egy'obulimba.
 - 2) Omusiraamu oyinza okumubuulira enjiri okuyita mu kumuwa eky'okuddamu mu Kristo. Mu Kristo eby'omumaaso birabisibwa (Bef 2:10). N'olwekyo, okubeera mu Kristo kwe kuba nga totya bya mumaaso bijja (Ibaa Beb 2:15, Baf 1:21; Bar 6:6-11; 1 Yok 5:13).
 - b. Tulina okulaga Omusiraamu engeri obwesimbu, okubeera kyoli, enkolagana ne Yesu bwebiyinza okuba omusaale (ebirungamy). Ayinza okuba obukuumi bwaffe. Ayinza okuleeta obukuumi Bwe okuba nga budda mu kifo ky'okutya kwabwe.
 - 1) Okukola ku kyetaago ky'owulira mu kusaasira kwe kuzimba olutindo lw'okuwonya.
 - 2) Yesu lye ddagala ly'ekyetaago kino ky'owulira.
3. Ekyetaago ky'owulira - Obwetaavu bw'okuba n'abantu. Olutindo olw'okusisinkana ekyetaago kino y'endowooza y'Omukristaayo eya maka ga Katonda n'enyumba ya Katonda.
4. Ekyetaago ky'owulira - Ekyetaago ky'obukuumi eri emyoyo emibi. Olutindo olw'okusinkana ekyetaago kino ge maanyi ga Yesu okussukkuluma emizimu.
5. Ekyetaago ky'owulira - Ekyetaago eky'okuba n'eddembe okuva mu ndwadde. Olutindo lw'okusisinkana ekyetaago kino ge maanyi ga Yesu agawonya.

OBUSIRAAMU

6. Ekyetaago ky'owulira - Obwetaavu bw'omutabaganya wakati wa Katonda n'omuntu. Olutindo olw'okusisinkana ekyetaago kino ye Yesu Kristo (1 Tim 2:5).

Eby'okuwandiika —

Omuwandiisi Kyakyogerako:

Okubuulira enjiri okuyita mu byetaago by'owulira kitwaala obudde. Okugumikiriza kwetaagisa nnyo. Tulina okuba abagumikiriza mu kuzimba olutindo, olwo tusobole okubuulira Abasiraamu enjiri. Oluusi tufuna obuwanguzi. Naye emirundi mingi tulemwa olw'okupapa ennyo okutambula nga olutindo telunaba kuzimbibwa. Ekyetaago ky'owulira, okutuukirira kiyinza okulwawokko akaseera, naye nga kirimu emiganyulo:

- 1) Obubaka bwanjulwa mu ngeri yampolampola.
- 2) Okukayana okutagasa kwewalibwa.
- 3) Obukristaayo bulagibwa okuba obwa mazima ate obw'ebikolwa.

OBUSIRAAMU

7. Ekipande ekidako kiraga ebyetago ebiwulirwa bona mu busiramu obumanyidwa nebyokudamu byabwe, nga bwe bitegerebwa nga byona ebirina ememme n'obukristaayo.⁵

Eby'okuwandiika —

Ebyetaago Ebiwulirwa mu Busiraamu	Eby'okuddamu Eby'ekizikiza			Eby'okuddamu
	Ebissukkulumizibwa		Ebissukkulumizibwa	
Okutya Ebitamanyiddwa	Kusinza Bifananyi Kusinza Jinja	Irizi Ensiriba Obufumu	Okukkiririza mu By'obufuusa	Okwesiga Kristo okuba Omukuumi era Omulungamya
Okutya Ebibi	Bufumu Busamize	Obukomo obwambalwa olw' okwekuuma emizimu	Okusamirira omuntu mu kumugo- bako emizimu	Okugoba emizimu/ Obukuumi mu Kristo
Okutya Eby'omumaaso	Kusinza Bamalayika	Kulagulwa	Kukkiririza mu Bulombolombo	Kwesiga Kristo abeere Mukama w'ebyomumaaso
Okuswaala obutabeera mu Kibiina	Bufuusa Kukolima/Kuwa mukisa	Kusala njala/Kusala Nviri	-	Kukkiririza mu Kussa Kimu Kw'abakkiriza
Omuntu obutaba na maanyi kuwangula Bibi	Okusinza Abatukuvu	-	Kwegayirira Bamalayika n'Abatuukirivu	Buyinza na Maanyi ga Mwoyo Mutukuvu
Obulamu Obutabaako Kyebutegeeza	-	Emyoyo Gy'obulimba	-	Ekigendererwa mu Bulamu olw'Okuba Omwana wa Katonda
Endwadde	Okusinza Emiti/ Abatukuvu	Okuwonyezebwa okw'Okufuusa	-	Okuwonyezebwa mu ngeri y'Ekyamagero

OBUSIRAAMU

Okumaliriza:

Olutindo Si Kyekiruubirirwa Eky'enkomerero. Olutindo Lukolebwa Kusomokerako.

Obwetaavu obuwulirwa butegeerwa okusobola okutegeera obwetaavu obw'emirembe gyonna.

Entindo z'ediini n'Ebya Katonda zizimbibwa kisobole okuba nti ebya Katonda n'ebye diini ebitegeerekeka bye biba birabisibwa.

Obolyawo Olutindo Olusinga Okuba Olukulu olwetaaga okuzimbibwa lukwaata ku ndowooza yaffe eya Omusiraamu owa mazima y'ani.

Bwetuleker'awo okubatwaala nti bakambwe abatasasira, netutandika okubalaba nga emyoyo egyabula eginoonya Katonda; era netuleker'awo okubalowooza nga Abasiraamu Obusiraamu, ne tutandika okubatwaala nga abantu abatufanana era abetaaga Omulokozi, olwo tujja kubalaba nga Yesu bwabalaba era tujja kusobola okubakulembera tubaleete Gyali!

Eby'okuwandiika —

OBUSIRAAMU

Eby'okuwandiika —

ObusirAamu:Awokujuliza

¹C.R. Marsh, Share Your Faith With a Moslem (Gabana okukkiriza kwo n'Omusiraamu) (Chicago: Moody Press, 1975), p. 19.

²Ibid., p. 8.

³Ibid., p. 12.

⁴Abdiyah Akbar Abdul-Haqq, Sharing Your Faith With a Moslem (Okugabana Okukkiriza Kwo n'Omusiraamu) (Minneapolis, MN: Bethany Fellowship Inc., 1980), p. 75.

⁵Phil Parshall, Bridges to Islam (Entindo eri Obusiraamu) (Grand Rapids, MI: Baker Book Press, 1975), Table 2.